*Journal for Language Teaching* 58(1) 2024, 32 pages
https://doi.org/10.56285/jltVol58iss1a6594

# Ensomesa empya eyeesigamizibwa ku busobozi bw'Omuyizi (CBC) n'okusomesa kw'ennimi Enfirika mu masomero mu Uganda: Ekyokulabirako ky'olulimi OLuganda

**Edward Masembe**
Makerere University, Uganda
E-mail: edward.masembe@mak.ac.ug

**Fred Masagazi Masaazi**
Makerere University, Uganda
E-mail: fred.mmasagazi@mak.ac.ug

**Jackson Kizza Mukasa**
Makerere University, Uganda
E-mail: kizza.mukasa@mak.ac.ug

## Ekifunze

Uganda, mu mwaka gwa 2021, yassa mu nkola ensomesa empya esinziira ku busobozi n'okwenyigiramu kw'omuyizi (CBC). Ensomesa eno egenderera okuteeka omuyizi mu kifo ky'okwenyigiramu ennyo mu bisomesebwa, okusobola okutumbula obusobozi obuli mu ye. Kino kiyamba omuyizi okufuluma ku mutendera ogumu mu byenjigiriza nga alina ky'asobola okwekolera. Ennambika eno singa eba etuukiriziddwa bulungi nga tusomesa ennimi Enfirika, eyamba nnyo abayizi okukulaakulanya obusobozi bwabwe obw'okuwuliriza, okwogera, okuwandiika wamu n'okusoma bwino w'ennimi Enfirika, nga n'OLuganda mw'olutwalidde. Kyokka, newankubadde nga gavumenti yateekawo ennambika eno empya (CBC) era n'ekuba n'ebitabo by'amasomo amalala eby'okweyambisa mu kugissa mu nkola, ennimi Enfirika ezisomesebwa mu Uganda tezaafuna bikozesebwa nga ebyo. N'olwekyo, okunoonyereza kuno kwaluubirira okwekenneenya engeri abasomesa gye basomesaamu OLuganda (olumu ku nnimi Enfirika) nga tebafunye byeyambisibwa, okusoomoozebwa kwe basanga, n'engeri gye bayinza okukuvvuunuka. Tweyambisa enkola eya nnakanyonnyozi okutaputa ebyo bye twazuula. Ebiwe twabikungaanya nga tweyambisa enkola y'okukubaganya ebirowoozo, wamu n'okulaba ebigenda mu maaso. Ebyazuulibwa biraga nti abasomesa b'OLuganda bafubye okusomesa OLuganda mu nnambika empya eya CBC. Kyokka, bangi beeyiiya bweyiiya, olw'obutabaawo bitabo byayisibwa gavumenti. Abanoonyereza bawa amagezi nti, okusobola okusomesa obulungi ennmi Enfirika mu nkola eya CBC, abasomesa batendekebwe mu nnimi zaabwe, baweebwe ebikozesebwa ate n'ennimi Enfirika ziweebwe ekifo eky'enkalakkalira mu nkola eno. Singa kino tekiikolebwe, ennimi zaffe Enfirika ziri mu katyabaga.

**Ebigambo ebikulu:** ensomesa ya CBC; ebikozesebwa; ekusomesa; ennimi enfirika; OLuganda

eISSN: 2958-9320
© Copyright belongs to the authors under the Creative Commons License CC BY-NC-ND 4.0

# The implementation of the Competence Based Curriculum (CBC) and the teaching of African languages in schools in Uganda: A case of Luganda language

**ABSTRACT**

In 2021, Uganda implemented a new curriculum in the lower secondary known as the Competency-Based Curriculum (CBC). This is principally a learner-centered curriculum aimed at developing the learner's competencies. This curriculum enables the learner to complete a particular education cycle having acquired self-reliance skills. If this curriculum is implemented well while teaching African languages, it would significantly assist the learners in developing their skills in listening, speaking, writing and reading the African languages including Luganda. However, whereas the government of Uganda rolled out this curriculum (CBC) and went ahead to print and provide books for all subjects to be used during its implementation, the African languages were left out. Therefore, this study intended to analyse how the teachers teach Luganda (one of the African languages) without the basic CBC materials like the teachers' and learners' guides, the challenges they meet and how they can overcome those challenges. The researchers used a descriptive survey design for this study. Data were collected using two methods; focused group discussions and observations. According to the study findings, the Luganda teachers have tried to implement the competency-based curriculum using only the CBC local languages framework (curriculum) which is in English, while teaching Luganda. Most of them were not fully trained in the CBC. For the CBC basic materials, most of them are just improvising by getting those written by private authors and not approved by the government. We recommend that in order for the teachers to be able to teach the African languages well in the competency-based curriculum, they should be trained in their languages, they should be provided with teaching/learning materials, and the African languages should be given prominence in the competency-based curriculum. If this is not done, our African languages are endangered.

**Keywords**: competency-based curriculum (CBC); study materials; teaching; African languages; Luganda

## 1. Ennyanjula

Uganda nsi eyatwalibwa Bungereza mu kiseera ky'abafuzi b'amatwale (Tembe & Norton, 2011; Uganda, 1992). Kino kyaleetera ebikolebwa bingi mu ggwanga lino okwesigamizibwa ku nkola y'ensi eyatufuga. Mu ebyo ebingi ebyesigamizibwa ku nkola ya Bungereza mwe mwali ennambika y'ebyobufuzi, ebyenjigiriza, essiga eddamuzi, olulimi lw'eggwanga, n'ebirala (Ssekamwa, 1997; Uganda, 1992). N'olwekyo, ebyenjigiriza bya Uganda bizze bikyukakyuka okuviira ddala mu biseera by'abafuzi b'amatwale okutuuka olwaleero (Masaazi, 2015; Ssekamwa, 1997). Ezimu ku nkyukakyuka zino mulimu okuteekawo enkola ya bonna basome (eyali eya bana basome), enkola eya nnamiramwa oba okusomesanga tusinziira mu miramwa ku ddaala

lya nnakasooka, enkola ey'okumaanyiwaza abayizi (CBC) mu bisomesebwa ku ddaala nya siniya (Altinyelken et al., 2014; Kyeyune et al., 2011; Mukasa, 2013; Mukasa & Masembe, 2018), n'enkyukakyuka endala nnyingi.

Enkyukakyuka ezo waggulu zizzeewo oluvannyuma lw'abateekerateekera eggwanga okukizuula nti waliwo obwetaavu okugenda nga ebyenjigiriza bikyusibwamu, okusinziira ku bwetaavu obubeerawo mu kaseera ako. Okugeza, Brock-Utne (2010) agamba nti nga abafuzi b'amatwale bateekawo ekika ky'ebyenjigiriza kye tuludde nakyo mu Uganda, baali bagenderera kutendeka bantu banaabayambako mu kufuna eggwanga lino. Mu ngeri eyo, bingi ku bisomesebwa bibadde birafuubana kutuukiriza kigendererwa ekyo waggulu (Busingye & Najjuma, 2015). Okusinziira ku Kyeyune et al. (2011) awamu ne Leung (2014) kirambikiddwa bulungi nti akaco kano, emirimu egy'ekikula ekyo gya muswaba ddala. Abawandiisi Mukasa and Masembe (2018) bagamba nti bingi ku baana bye basoma mu nteekateeka y'ebyenjigiriza eyasooka eruubirira nnyo omuyizi okufuna amagezi, okuweza by'awandiika mu kitabo kye, wamu n'okutuula ebigezo. Ensomesa eno yatunulwamu abakugu ne bakikkaatiriza nti essaawa ya leero, eyo si y'ensomesa eyeetaagibwa mu Uganda. Nti, ensi zonna kaakano nga ne Uganda mw'ogitwalidde, zeetaaga ensomesa eyamba omuyizi okufuna amagezi, okutegeera obukodyo wamu n'empisa ebyetaagibwa abakozesa (Akelloet al., 2015).

Embeera eyo ey'okufuna ensomesa empya ye yaleetera minisitule y'ebyenjigiriza n'emizannyo mu Uganda okusalawo okwekenneenya engeri gye tuyinza okukyusa mu nsomesa yaffe. Mu mwaka 2008 (Mabonga, 2021; Olema al., za okuseeseetuka okuva mu nsomesa enkadde tufune ensomesa empya eruubirira okubeera n'ebyenjigiriza ebifa ku busobozi bw'abayizi obw'enjawulo ku ddaala lya siniya mu Uganda.

Ensomesa empya emaanyiwaza obusobozi bw'omuyizi, giyite "nange nsobola" (CBC) y'eyo eruubirira okulaba nga omuyizi alina ky'asobola okwekolera oluvannyuma lw'olusoma, so si oyo alina ky'akusuwazza obukusuwaza (Mabonga, 2021; Olema et al., 2021). Eno y'ensonga lwaki minisitule y'ebyenjigiriza, okuyita mu kitongole ekiteekateeka ebyensomesa (NCDC, 2018) yasalwo okugoberera amagezi agaaweebwa mu kiwandiiko ky'ebyenjigiriza (Government White Paper) ekya 1992, eky'okubeera n'ebyenjigiriza ebiruubirira abayizi okubeera mu kuwuliziganya ne bannaabwe, ebyokukola ebibaleetera okulowooza, okukolagana ne bannaabwe, wamu n'okweyambisa ebibeetoolodde, nga basoma ate era ne mu bulamu bwabwe obwabulijjo (Uganda, 1992). Awo nno, n'omusomesa w'OLuganda, aba alina okufaayo ennyo okulaba nga mu byonna by'asomesa, aluubirira okulaba nga atuukiriza ebigendererwa ebyo waggulu.

## 1.1 Ekifo ky'ennimi Enfirika (ng'OLuganda) mu nsomesa empya eya CBC

Ekitongole ekiteekateeka ebisomesebwa kikkaatiriza nti olulimi lukulu nnyo mu kukulaakulana kw'omuntu, ebyenfuna by'eggwanga, wamu n'okubeerana kwa bannansi (NCDC, 2006a, 2013, 2016, 2018). Nti, tuyita mu lulimi okumanya obuvo n'obuddo bwaffe, okusingira ddala nga tuyita mu biyiiye ebyogere wamu n'ebiwandiike. Mu ngeri eno, ennimi ennansi ne ziba nga ziyamba nnyo mu kuwa abayizi obukugu bwa litulica w'ennimi zaabwe. Era, nti ennimi Enfirika ziyamba abayizi okuwuliziganya obulungi, kubanga ze nnimi zaabwe enzaaliranwa, era mwe balowoolereza (Altinyelken et al., 2014; Tembe & Norton, 2011). Nti, singa omuyizi amanyi olulimi lwe OLuganda, ayanguyirwa okulowooza ku buzibu bw'aba ayolekedde era ne kimwanguyira n'okubusalira amagezi, okukola okusalawo okutuufu, okwefumiitiriza, okugumiikiriza, okugabana ne bannaabwe, okwekkiririzaamu, wamu n'obuteetya.

Mu nsomesa eno empya, kikkaatirizibwa nti ennimi Enfirika ziyamba omuyizi okuwuliziganya obulungi, okubeera omuyiiya mu kwogera wamu n'okuwandiika, kino nga kisinga kweyolekera nnyo mu ngeri omuyizi gy'ayinza okuyiiya ebitontome (Masagazi, 2004; NCDC, 2018; Ngaka & Masaazi, 2015; Ssentanda, 2014), emizannyo wamu n'ebiyiiye ebirala. Awo nno, ensomesa eno empya, singa eba eteekeddwa bulungi munkola, eyamba nnyo omuyizi okubaako ky'asobola okukola mu Luganda, w'amalirako eddaala ly'ebyensoma erimu.

Kirambikiddwa bulungi mu nteekateeka eno nti abayizi b'ennimi Enfirika bateereddwawo embeera ez'enjawulo ezibaleetera okufuna okutegeera ennimi zaabwe okw'omuggundu. Nti kaliculaamu empya (CBC) ejja kuggya abayizi ku ky'okuyita obuyisi n'obubonero obubasobozesa okuyingira mu matendekero aga waggulu (NCDC, 2018), badde ku ky'okufuna obusobozi/obukugu obw'enjawulo. Era obukugu buno bujja kuyamba abayizi bonna abali mu ssomero (abanaasobola okumalako S.4 n'abo abanaawanduka olw'ensonga ez'enjawulo).

Omusomesa w'OLuganda, okusobola okutuukiriza obulungi enteekateeka eno empya, asaanidde okunyonnyola n'okukozesa obukodyo obweyambisibwa mu kusomesa n'okuyiga mu nkola empya esoosoowaza obusobozi bw'omuyizi, okukozesa ebitabo; eky'omuyizi omuzimbirwa eby'okuyigako, eky'omusomesa ekikuluŋŋamya ku ngeri y'okusomesa, ate n'ekirimu enteekateeka y'ebisomesebwa (y'olusoma) mu nnimi ennansi, okuwandiika enteekateeka y'ebinaasomesebwa mu ssomo, okukola enteekateeka y'essomo okuva mu nteekateeka y'ebinaasomesebwa mu lusoma (Mabonga, 2021; Olema et al., 2021) okuluŋŋamya abayizi ng'ogoberera enkola



eISSN: 2958-9320


https://www.journals.ac.za/jlt

esoosoowaza obusobozi bw'omuyizi, okutegeera n'okunnyonnyola enjawulo wakati w'ensomesa empya esoosoowaza obusobozi bw'omuyizi, n'ensomesa enkadde .

N'olwekyo, okusinziira ku nnambika y'ekitongole ekiteekateeka ebyensoma (National Curriculum Development Centre – NCDC), ffe ng'abasomesa b'ennimi Enfirika, singa tuba mu kibiina ekisoosowaza obusobozi bw'abayizi (Mabonga, 2021; NCDC, 2018), tusaanye twettanirenga enseetuka y'ensomesa egoberera emitendera n'enkola nga zino wammanga;

a) okuwa omuyizi ebyokukola ebimuyamba okutuuka ku mpagi z'obuyivu omuli;
   - Okwezuulira (Discovery)
   - Okunnyonnyola (Explain)
   - Okwekenneenya (Analyze)
   - Okussa mu nkola by'ayize (Apply)

b) Okwettanira enkola ey'omwetooloolo;




**Ekifaananyi 1**: Enkola ey'omwetooloolo mu nsomesa ya CBC

Enkola ey'omwetooloolo nga bw'eragiddwa mu kifaananyi ekyo waggulu, engenderera okutulaga obukulu bw'omuyizi mu nsomesa ya CBC. Kino kye kivaako okumuteeka wakati w'ebyo ebisomesebwa, omusomesa n'asigala kwekenneenya binyumizibwa, bikolebwa wamu n'ebiva mu bikolebwa. Singa omusomesa w'OLuganda aba yeeteeseteese bulungi era n'agoberera bulungi ennambika y'okusomesa ennimi Enfirika

mu nsomesa eno empya (Mabonga, 2021; Talley, 2017), kisuubirwa nti abayizi basobolera ddala okuyiga obulungi ennimi ezo.

NCDC (2018) egenda mu maaso n'ekikkaatiriza nti ennambika y'okusomesa ennimi Enfirika eyogerwako waggulu ezingiramu; abayizi okutuula mu ngeri ebasobozesa okwogeraganya, n'okuwuliziganya, omusomesa okubeerawo ng'omuluŋŋamya. Era, alina okulaba nti buli ekikolebwa kigenderera okulaba ng'omuyizi y'afunamu. Mu ngeri eyo, omuyizi alina okuweebwa ekyanya okwegazaanyiza mu buli ekikolebwa, kino ne kireetera omusomesa bulijjo okutandikira ku kyangu/ekimanyiddwa, nga tonnaleeta kikalubo/ekitamanyiddwa (El-Hmoudova, 2015; Mâţă, Cmeciu, & Ghiaţău, 2013; Pinto, Tarchi, & Bigozzi, 2016). N'olwekyo, omuyizi by'ayiga ebisinga y'alina okubyezuulira okuyita mu mboozi z'asoma, n'ebyokukola ebimuweebwa. Kyokka, abanoonyereza nga (Mabonga, 2021); Olema et al. (2021) balaga nti omusomesa w'OLuganda, okufaananako n'abasomesa b'ennimi Enfirika abalala mu Uganda, basanze okusoomoozebwa okw'enjawulo nga bateeka mu nkola ensomesa eno empya. Kino kivudde ku nsonga eziwerako. N'olwekyo, twayagala okwekenneenya engeri abasomesa b'ennimi Enfirika, okuyita mu kyokulabirko ky'OLuganda, gye baateeka mu nkola ensomesa eya CBC mu Uganda.

## *1.2 Ekizibu*

Ensomesa eno empya nnungi nnyo kubanga eteeka omuyizi w'OLuganda mu kifo ky'okwenyigiramu ennyo mu bisomesebwa, okusobola okutumbula obusobozi obuli mu ye (Mabonga, 2021; Olema et al., 2021). Kino kiyamba omuyizi okufuluma ku mutendera ogumu mu byenjigiriza ng'alina ky'asobola okwekolera. Ennambika eno singa eba etuukiriziddwa bulungi nga tusomesa ennimi Enfirika, eyamba nnyo abayizi okukulaakulanya obusobozi bwabwe obw'okuwuliriza, okwogera, okuwandiika wamu n'okusoma bwino w'ennimi Enfirika, nga n'OLuganda mw'olutwalidde (Akello et al., 2015; Masagazi, 2004; Ngaka & Masaazi, 2015). Kyokka, newankubadde nga gavumenti yateekawo ensomesa eno empya (CBC) era n'ekuba n'ebitabo by'amasomo amalala eby'okweyambisa mu kugiisa mu nkola, ennimi Enfirika ezisomesebwa mu Uganda tezaafuna bikozesebwa nga ebyo. N'olwekyo, okunoonyereza kuno kwaluubirira okwekenneenya engeri abasomesa gye basobodde okuteeka mu nkola ensomesa empya eya CBC, awatali byeyambisibwa kuva mu gavumenti.

## *1.3 Ebibuuzo*

Bino wammanga bye bibuuzo ebyesigamizibwako okunoonyereza kuno.



eISSN: 2958-9320
https://www.journals.ac.za/jlt

### 1.3.1 Ekibuuzo ky'okunoonyereza ekikulu

Okunoonyereza kuno kwagenderera okwebuuza ngeri ki abasomesa b'OLuganda gye bagezezzaako okussa mu nkola ensomesa empya eya CBC wakati mu butaba na byeyambisibwa mu kibiina?

### 1.3.2 Ebibuuzo by'okunoonyereza ebiva mu kibuuzo ekikulu

i) Abasomesa b'OLuganda basomesa batya mu nsomesa empya nga tebalina byeyambisibwa mu kusomesa?

ii) Kusoomoozebwa ki kwe basanga nga bateeka mu nkola ensomesa empya awatali byeyambisibwa kuva mu gavumenti?


iii) Okusoomoozebwa okwo bayinza kukuvvuunuka batya?

# 2. Okujuliza ebiwandiiko

Essuula eno erimu okwekenneenya ebiwandiiko, enkolagana wakati w'empagi enkulu ezeekennenyezebwa, wamu ne bannandowooza abeesigamizibwako okunoonyereza.

## 2.1 Endowooza eyeesigamizibwako okunoonyereza kuno

Okunoonyereza kuno kwaluŋŋamizibwa endowooza emanyiddwa nga 'Okuyiga okuva ku bye tuyiseemu' eya munnandowooza David Kolb (Kolb, 1984) Enneekenneenya eno egamba nti okugunjaawo amagezi amaggya kwesigamizibwa ku ebyo omuyizi bye yali ayiseemu mu bulamu bwe (Kolb et al., 1999). Munnandowooza ono agamba nti embeera y'okuyiga nga abayizi bagunjaawo amagezi agaabwe ku bwabwe yeesigamizibwa ku mitendera ena (4) era nga gye gino; Okwenyigira mu bikolebwa ebyagalwa abayizi (CE), Okwekenneenya ku bituuseewo mu ebyo ebikoleddwa (RO), Okuggya amakulu mu ebyo ebituuseewo (AC), wamu n'okugezesa ebyo bye baba batutte nga eby'amakulu okuva mu bituuseewo (AE) (Healey & Jenkins, 2000; Kolb et al., 1999). Emitendera gino gisobola okwolesebwa ku kifaananyi, nga bwe kiragiddwa wammanga.




**Ekifaananyi 2**: Engeri okuyiga gye kwetooloolamu (ELC), okusinziira ku munnandowooza Kolb.

Okusinziira ku mwetooloolo ogwo waggulu, Kolb alaga nti emitendera egyo gikwatagana kinnabbirye; ogw'okwenyigira mu bikolebwa (CE) n'ogw'okuggya amakulu mu bituuseewo (AC) (nga bwe giragiddwa obusaale obwa bbululu), ate n'ogw'okwekenneenya ebituuseewo (RO) ne ogw'okugezesa eby'amakulu (AE) (nga bwe giragiddwa obusaale obwa kiragala). Emiteeko gino ebiri gikiikirira emitendera ebiri gye tuyigamu, ogusooka nga gwe gw'engeri gye tutunuuliramu obubaka obupya, ate ogwokubiri gwe gwa engeri gye tukenenulamu obubaka obwo (Healey & Jenkins, 2000; Kolb et al., 1999). N'olwekyo, endowooza eno etuukira bulungi ku kunoonyereza kuno, kubanga abasomesa b'ennimi Enfirika, nga OLuganda, baafuna obubaka obupya mu ngeri gye basomesaamu (CBC), era ne bataputa obubaka obwo mu ngeri ez'enjawulo, nga ffe nga abanoonyereza twagala okwekenneenya entaputa (enteeka mu nkola) zaabwe ez'enjawulo ez'ensomesa eno empya.

## 2.2 Ebyeyambisibwa mu kusomesa ennimi mu nsomesa ey'okumaanyiwaza abayizi (CBC)

Busingye and Najjuma (2015) batunuulira ebyeyambisibwa mu kuyiga nga ebintu ebikolebwa n'omugaso gw'okubaako kye biyigiriza, oba ebintu ebisobozesa okuyiga n'okusomesa okubaawo. Okusinziira ku Chan (2017), ebikozesebwa mu kuyiga era binnyonnyolwa nga ebintu ebikwatwako ebivaamu amaloboozi, ebirabwako oba ebirina

enkalira zombi ebikozesebwa mu kusomesa. Kyokka bbo León and Valdivia (2015) bannyonnyola ebyeyambisibwa mu kuyiga nga ebintu ebiyamba abasomesa okwanguya essomo lyabwe eri omuyizi asobole okutangaalirwa obulungi. Noolwekyo, ennonda y'ebikozesebwa mu kusomesa awamu n'okuyiga olulimi bisalibwawo ekyo emusomesa ky'ayagala okusomesa mu kaseera ako. Awonno, ffe nga abanoonyereza twayagala tuzuule engeri abasomesa b'olulimi OLuganda gye gye bafaayo nga balonda ebikozesebwa nga basomesa mu nsomesa empya (CBC), kubanga kye kibayamba okuyimirizaawo okusoma.

Okusinziira ku Athiemoolam (2018) ebikozesebwa mu kuyiga bisobola okwawulibwamu ebibinja bibiri (02) nga bino bye; ebirabibwako (ebikalu) n'ebyo ebivaamu amaloboozi n'ebifaananyi. Ebyo ebirabibwako by'ebyo ebintu ebikozesebwa mu kuyiga ebisobola okulabibwa n'amaaso gaffe ameereere. Ebyokulabirako bya bino mulimu; olubaawo, ebitabo by'olulimi, ebipande n'ebirala bingi. Kyokka ate ebyeyambisibwa mu kuyiga ebivaamu amaloboozi n'ebifaananyi by'ebyo bye tusobola okuwulira era ne tubiraba nga bifulumya amaloboozi n'ebifaananyi ebisobola okwefumiitirizibwako (Coskun, 2011). Bisanyusa okuwulira ate n'okulaba (amaaso). Ebyokulabirako mulimu obutambi bw'amaloboozi n'obwebifaananyi, terefayina, ebyuma ebikasuka ebifaananyi ewala awamu n'ebifaananyi ebitambula. Singa omusomesa w'OLuganda yeeyambisa ebyeyambisibwa mu kusomesa nga bino, olwo abayizi be baba bajja kwenyigira bulungi nnyo mu ebyo ebisomesebwa mu nsomesa eno empya, ey'okumaanyiwaza abayizi.

Kyokka, omunoonyereza Lasala (2014) atulabula ku kabi akayinza okubaawo nga tukozesa ebyeyambisibwa mu kusomesa olulimi nga bino, nti, bisobola okuwugula abayizi ne bava ku mulamwa, ne badda mu kunyumirwa okulaba ebifaananyi, oba okuwuliriza obuwuliriza amaloboozi. Awonno, omusomesa w'OLuganda agenda okweyambisa enkola ng'eno aba alina okweteekateeka obulungi ng'alowooza ku ngeri gy'agenda okulungamya abayizi be baleme kuwugulwa, wabula balabe ebifaananyi wamu n'okuwuliriza amaloboozi n'ekigendererwa k'okuyiga OLuganda.

Omunoonyereza Lasala (2014) atuwaayo ebyeyambisibwa mu kusomesa ennimi nga biba byafulumizibwa mu kyapa. Mu bino mulimu ebitabo, empapula z'amawulire, magaziini, ebiwandiiko bya gavumenti, ennambika y'omusomesa, ennambika y'omuyizi, wamu n'ebiwandiiko eby'okyeddwamu. Ate ye Klimova (2014) ayongerezaako ebyeyambisibwa ebirala nga; ebiwandiiko ku miramwa egy'enjawulo, ebitabo ebijulizibwako ku miramwa egy'enjawulo, obutabo obulimu eby'okukola, ebiwandiiko by'abayizi ebifulumiziddwa abasomesa baabwe, n'obupapula okuli obubaka obuwerako nga bufunziddwa. Ebirala mulimu ebipande, ebifaananyi, maapu


eISSN: 2958-9320
https://www.journals.ac.za/jlt

n'ebirala (Behroozizad, Nambiar, & Amir, 2014). Bino byonna, singa biba byeyambisiddwa bulungi, omusomesa w'OLuganda asobola bulungi okubyeyambisa n'aluŋŋamya abayizi be mu kuyiga OLuganda.

N'olwekyo, ebyo byonna biyamba omusomesa w'olulimi nga n'ow'OLuganda mw'omutwalidde, okusomesa obulungi. Weewaawo nga tulabye nti ebyokweyambisa ebyo bikulu nnyo, naye omusomesa w'OLuganda tayinza kubyetuusaako nga ye byonna. Waliwo ebiteekebwawo essomero okugeza ebyo binnansangwa (Kagoda & Ezati, 2013) nga olubaawo n'e kyoka. Majzub (2013) agamba nti olubaawo luyamba abayizi okwegezaamu mu kuwandiika, ate n'okugeraageranya empandiika yaabwe. Mu nsomesa eno empya ey'okumaanyiwaza abayizi (CBC), ebyeyambisibwa nga tusomesa ennimi Enfirika nga OLuganda byetaagisa nnyo.

## *2.3 Obukulu bw'ebyeyambisibwa nga tusomesa ennimi mu nkola ya CBC*

Mu nsomesa eno empya eya CBC, omusomesa w'olulimi okusobola okuyimirizaawo okusoma okw'amakulu, yeetaaga okubeera n'ebyeyambisibwa mu kusomesa ebisikiriza abayizi (Tursunovich, 2022). Kyokka, Cardoso, Cristiano, and Arent (2009) balabula nti omusomesa w'olulimi takoma bukomi mu kuteekawo oba kuwa bayizi be byeyambisibwa mu kusomesa, alina okuganda mu maaso ne yeekenneenya obutuukirivu bwabyo kw'ekyo ky'agenda okusomesa. Era, bannyonnyola nti obutuukirivu bw'ebyeyambisibwa mu kusomesa bwe bujja okupima oba nga ddala abayizi bayize oba nedda. N'olwekyo, ebyeyambisibwa mu kusomesa ennimi, nga OLuganda, bikulu nnyo kubanga bye bireetawo okuyiga oba obutayiga lulimi (Arnold & Rixon, 2008).

Okwefaanaanyirizako n'abo waggulu, abawandiisi Ajoke (2017) ne (Lumala & Trabelsi, 2008) nabo bagenda mu maaso ne banyonnyola ku butuukirivu bw'ebyeyambisibwa mu kusomesa ennimi, nga n'OLuganda mw'olutwalidde. Bagamba nti ebyokweyambisa mu kusomesa ennimi biteekwa okuba nga bituukiridde, bw'obigeraageranya n'ekisaawe ky'olulimi ekiba kigenda okusomesebwa. Obutuukirivu bw'ebyeyambisibwa mu kusomesa, okusinziira ku Tursunovich (2022), y'engeri ebyo omusomesa w'olulimi by'asalawo okweyambisa mu kusomesa gye bituukira ku ebyo by'aba asomesa. Okugeza, nti singa omusomesa w'OLuganda aba agenda kusomesa ggulama wa Luganda, aba alina kutwala ebyo ebyekuusa ku ggulama wa Luganda, so si bya ssomo lya kubala (Saglam, 2011).

Okwongereza ku ebyo waggulu, singa omusomesa w'olulimi nga OLuganda yeeyambisa ebyeyambisibwa nga bituukira ku ky'asomesa, abayizi bafuna mangu ky'ayagala okusomesa (Ajoke, 2017). Mu nsomesa eno empya eya CBC, okuyiga kuli mu mikono gya bayizi. Omusomesa abeerawo nga mukubiriza (NCDC, 2018). Kino kimwetaagisa okubeera nti abaleetera by'ayagala beeyambise okuyiga OLuganda nga bijja kubanguyiza okutuuka ku ebyo by'aluubirira beeyigirize, nga bw'abakubiriza.

Nga bwe kiragiddwa nti mu CBC abayizi babeera nga abeesomesa, omusomesa w'OLuganda singa aba yeeyambisizza ebyeyambisibwa ebituufu, kimuyamba obutakoowa nnyo ng'asomesa (NCDC, 2018). Kino kiri kityo kubanga mu kukubiriza ekibiina kye, abayizi baba n'obusobozi okwetaputira ebyo by'ayagala batuukeko mu ekyo kye bayigako. Kyokka, Brown (2006) agamba nti singa omusomesa w'olulimi takola ekyo, olwo aba agenda kutwala obudde bungi nga annyonnyola, olwo n'abeera nga akyali mu nsomesa eri enkadde, ereetera omusomesa okubeera nnaakyemalira mu kibiina.

Mu ngeri y'emu, ebyokweyambisa mu kusomesa ebyesimbu biyamba okugeraageranya obusobozi bw'abayizi abali ku ddala lye limu, naye nga basangibwa mu bitundu eby'enjawulo (Cesur, 2011). Obutuukirivu bw'ekyeyambisibwa mu kusomesa y'engeri ekyeyambisibwa kye kimu gye kireetera abayizi abali mu mbeera y'emu okufuna obubaka oba ebyokuyiga bye bimu singa baba beeyambisizza ekyeyambisibwa ekyo, mu mbeera y'emu (Arnold & Rixon, 2008). N'olwekyo, abasomesa b'ennimi Enfirika okugeza OLuganda, basaanye okunoonyanga bulijjo ebyeyambisibwa mu kusomesa nga byesimbu.

Mu nsomesa empya eya CBC, obuyiiya bw'omuyizi kikulu nnyo (NCDC, 2018). Kino kitegeeza, tusaanye okunoonya ebyeyambisibwa mu kusomesa nga biyamba abayizi b'ennimi okuyiiya. Luciano Beltramo (2017) agenda mu maaso n'akkaatiriza nti okufaananako n'amasomo amalala, abasomesa b'ennimi balina okutumbula obuyiiya bw'abayizi baabwe mu kusoma olulimi, okuluwandiika, okuluwuliriza, wamu n'okulwogera. Kino omusomesa w'OLuganda asobola okukituukiriza nga afunira abayizi be ebyokweyambisa nga basoma ebibayamba okusisimula obusimu bwabwe mu mpulizo z'olulmi eziragiddwa waggulu.

Mu kuwumbawumba, nga bwe tulabye waggulu, ebyeyambisibwa mu kusomesa ennimi Enfirika bikulu nnyo kubanga bye biyamba abayizi okwenyigira obutereevu mu bisomesebwa. Era, biyamba abasomesa obutatwala budde nga bannyonnyola ebyo bye baagala abayizi baabwe bafune. Kyokka, era abasomesa basaanye okwegendereza nga



eISSN: 2958-9320
https://www.journals.ac.za/jlt

balondera abayizi ebyokweyambisa mu kusoma, bisobole okubeera nga bituukiridde ate nga byesimbu.

## 3. Enkola n'Oluwenda

**Ennyanjula:** Essuula eno enyonnyola ku nkola z'okunoonyereza, empenda ezeeyambisibwa okusobola okufuna ebiwe ebyetaagisa mu kunoonyereza kuno okwakolebwa. Ewa ekifo okunoonyereza gye kwakolebwa, obungi bw'abantu omwava abazibuzi, obungi bw'abeetabi, obukodyo bw'okunoonyereza, amalobo g'okukuŋŋaanya ebiwe, engeri ebiwe gye byekenneenyezebwa, okukwasisa amateeka mu kunoonyereza, n'emitendera mu kukuŋŋaanya ebiwe.

### *3.1 Enkola*

Tweyambisa enkola eya nnakanyonnyozi okutaputa ebyo bye twazuula. Dawson (2009) ne Somekh et al. (2005) banyonnyola nti enkola eno ekkiriziganya n'okukozesa obukodyo bw'okunoonyereza obuwerako naddala obwo obulimu okukuŋŋaanya ebiwe okuyita mu bibuuzo by'akamwa n'okwetegereza obutereevu ebigenda mu maaso. Okuva lwe kiri nti okunoonyereza kuno kwagenderera kwekenneenya engeri abasomesa b'Oulganda gye baali bateekesa mu nkola ensomesa empya ey'okumaanyiwaza abayizi – CBC, enkola eno yali ekutuukirako bulungi ddala. Kino kiri kityo kubanga enkola eno egenderera okufuna endowooza z'abeenyigiramu ku ekyo ekinoonyerezebwako (Jupp, 2006), wamu n'ebyo bye bayiseemu ebyekwanya ku kinoonyerezebwako.

### *3.2 Oluwenda*

Okunoonyereza kuno kwesigamizibwa nnyo ku luwenda olwa nakannyonnyozi kubanga byonna ebyazuulibwa byali bisobola bulungi okwanjibwa mu bunyonnyole oba obuwandiike obw'ebigambo (Hesse-Biber, 2010).

#### *3.2.1 Abeetabi*

Abeetabi be bantu bonna ababa n'obusobozi bw'okwenyigira mu kunoonyereza (Hesse-Biber, 2010). Mu kunoonereza kuno, abeetabi abakulu baali abasomesa b'OLuganda ku ddaala lya wansi, kubanga ku ddaala eryo ye wakozesebwa ensomesa empya ey'okumaanyiwaza abayizi – CBC. Kyokka, olw'okuba nti abanoonyereza baayingiranga mu bibiina okwekenneenya engeri abasomesa gye baateekesanga mu nkola ensomesa eno, olwo nno, mu butali butereevu, n'abayizi b'ebibiina

ebyayingirwamu ne babeera nga beenyigidde mu kunoonyereza kuno. Amasomero gonna agaagendebwamu geego agasomesa OLuganda ku ddaala erya wansi.

### 3.2.2 Abazibuzi

Abazibuzi, okusinziira ku Hesse-Biber (2010), be beetabi ababa baggyibwayo oba baalondobwamu okwetaba obutereevu mu kunoonyereza. N'olwekyo, okunoonyereza kuno kwetabamu amasomero kkumi agasomesa OLuganda. Amasomero ataano ku gano gaali ga mu byalo, ate ataano twagaggya mu kibuga. Twafuna abasomesa 03 abasomesa OLuganda ku ddaala erya wansi kubanga abo be bateeka mu nkola ensomesa eya CBC. N'olwekyo, omugatte gw'abazibuzi (abasomesa) abeetaba mu kunoonyereza kuno baali amakumi asatu (30).

### 3.2.3 Empenda n'amalobo

Empenda ezeeyambisibwa mu kukuŋŋaanya ebiwe zaali bbiri; okukubaganya ebirowoozo okw'omu bibinja, wamu n'okulondoola ebigenda mu maaso (Somekh et al., 2005). Abanoonyereza baasobola okufuna abazibuzi ab'amasomero ageeriraanye ne bajja wamu ne bakubaganya ebirowoozo ku ngeri gye baali basobodde okuteeka mu nkola ensomesa empya, mu mbeera ey'okubeera nti gavumenti yali tebawadde byeyambisibwa. Mu kukuŋŋaanya ebiwe okw'engeri eno, tweyambisa eddobo ery'olukalala lw'ebibuuzo ebibage, ebyatuluŋŋamyanga mu kukubaganya ebirowoozo.

Mu ngeri y'emu, abanoonyereza beeyambisa oluwenda lw'okwenyigira mu kulaba ebigenda mu maaso nga abasomesa basomeseza mu nkola empya eya CBC. Kino baakikola nga bafuna entereeza y'ensomesa eya buli mwetabi, olwo ne basobola okugenda ne beekenneenya engeri omusomesa gy'asomesaamu OLuganda mu nsomesa eno empya. Mu masomero obudde gye bwatusobozesa, twekenneenya abasomesa bonsatule nga basomesa. Ate mu ago obudde gye bwatukwata, waakiri omusomesa omu yalondoolebwa nga asomesa. Ebyava mu kwekenneenya abasomesa nga basomesa byatuyamba nnyo okugeraageranya ebyo bye baatugamba nga tukubaganya nabo ebirowoozo (Jupp, 2006). Mu kulondoola abasomesa nga basomesereza mu nsomesa eya CBC, tweyambisa eddobo ly'olukalala lw'ebyo eby'okwekenneenya nga okusoma n'okusomesa kugenda mu maaso.

### 3.2.4 Okukola ku byazuulibwa

Okukola ku biwe oba ebyazuulibwa kwakolebwanga amangu ddala nga byakakuŋŋaanyizibwa. Baasinziira ku nkola eno olw'ensonga nti baafanga nnyo ku biki

ebyogeddwa so si ku ngeri gye byogeddwamu, ne kibasobozesa okukola ku biwe ngw bwe bibaweeredwa awatali kubyerabira (Stake, 2010). Olw'okuba nti byonna ebyaweebwa byali bya nkola ya nnakanyonnyozi, ebirowoozo byonna ebyakuŋŋaanyizibwa okuva mu masomero ag'enjawulo byateekebwa wamu, olwo ne bibinjawazibwa okusinziira ku mitwe emikulu egy'okunoonyereza, ebyasinziira ku bibuuzo by'okunoonyereza (Jupp, 2006). Kino kyatuyamba okufuna amakulu mu ebyo abazibuzi bye baatugamba nga tukubaganya ebirowoozo, wamu ne bye twalaba nga basomesa obutereevu mu kibiina.

### 3.2.5 Amateeka/Empisa

Mu kukuuma amateeka n'empisa z'okunoonyereza, abanoonyereza baafuna ebbaluwa okuva ew'akulira ettendekero ly'abasomesa e Makerere University, nga eno yeeyali ebanjula mu masomero ag'enjawulo ewaakolerwa okunoonyereza. Ebbaluwa eno baagitwalira abakulu b'amasomero era ne babannyonnyola byonna ebikwata ku kunoonyereza kuno. Abakulira amasomero bwe bakkiriza abanoonyereza okukolera okunoonyereza kwabwe mu masomero agaalondebwa, olwo ne batuukirira abasomesa OLuganda mu masomero ago era nabo ne babannyonnyola ebifa ku kunoonyereza. Baabategeeza nti si kya bukake okwetabamu, era baalina eddembe okuva mu kunoonyereza kuno obudde bwonna. Bino byonna abanoonyereza baabikola okusobola okuziyiza obuvune bwonna, ka bube obwo obw'ebirowoozo (Kemmis & McTaggart, 1988), oba obw'omubiri eri abazibuzi.

### 3.2.6 Obwesimbu n'obutuukirivu

Mu kunoonyereza, obwesimbu kitegeeza nti ebyo ebyeyambisiddwa mu kukuŋŋaanya obubaka ddala by'ebyo ebisaanidde (Given, 2008), era singa byeyambisibwa omunoonyereza omulala ali mu kunoonyereza ku kisaawe ekyefaananyiriza, bisobolera ddala okumuwa obubaka obutuufu. So ate nga ku ludda olulala, obutuukirivu kwe kuba nti ebizuuliddwa mu kunoonyereza okumu bisobolera ddala okuddamu okuzuulibwa mu mbeera endala, singa abanoonyereza baba beeyambisizza enkola n'emitendera gye gimu ddala. Mu kunoonyereza kuno, obutuukirivu bwafiibwako nga tweyambisa amalobo ag'enjawulo mu kukuŋŋaanya ebiwe, twalwa mu masomero nga tukungŋŋaanya obubaka, ate era twaddangayo ne twebuuza ku beetabi baffe mu kiseera we twawandiikira olupapula luno.



eISSN: 2958-9320

https://www.journals.ac.za/jlt

### 3.2.7 Obukulu bw'okunoonyereza

Okunoonyereza kuno kwagenderera okwekenneenya engeri abasomesa b'OLuganda gye bagezezzaako okussa mu nkola ensomesa empya eya CBC wakati mu butaba na byeyambisibwa mu kibiina. Buno wammanga bwe bukulu bw'okunoonyereza kuno, eri ebiti by'abantu ab'enjawulo.

**Abasomesa b'OLuganda:** Bano bayinza okweyambisa ebyazuulibwa ne bongera okufuna obukodyo bw'okusomesa wamu n'okussa mu nkola ensomesa empya eya CBC. Kino kiri kityo kubanga waaliwo okukubaganya ebirowoozo ku biki ebiyinza okukolebwa okutumbula ensomesa ya CBC mu masomero. So, abasomesa b'OLuganda naddala abo abateenyigira mu kunoonyereza kuno bajja kuganyulwa nga bafunye omukisa ogusoma olupapula luno.

**Abasomesa b'ennimi endala ennansi mu Uganda**. OLuganda lutwalibwa nga ekyokulabirako mu nsoma n'ensomesa y'ennimi ennansi mu Uganda. N'olwekyo, ebyazuulibwa mu lupapula luno, wadde nga byesigamizibwa ku Luganda, bijja kuyamba nnyo abasomesa b'ennimi ennansi abalala, ku ngeri entuufu ey'ikuteeka mu nkola ensomesa empya eya CBC.

**Abategeka ebisomesebwa mu nsomesa ya CBC**: Mu kunoonyereza kuno, abasomesa b'OLuganda baalaga awakyali obunafu mu kuteeka mu nkola ensomesa eno empya eya CBC. Era, baagenda mu maaso okuwa endowooza zaabwe ku ngeri obunafu obwo gye buyinza okumalibwawo. N'olwekyo, olupapula luno singa lunaasomebwa abategeka ebisomesebwa, bajja kulaba wa awasaana okulongoosaamu mu ebyo bye baategeka okusomesebwa, nga beeyambisa ebirowoozo by'abateeka mu nkola (abasomesa) ensomesa eno empya.

**Abavunaanyizibwa ku kuweereza ebyeyambisibwa mu nsomesa ya CBC**: Ekimu ku byasinga okuleetebwa nga okusoomoozebwa okusangibwa mu nsomesa eno, lye bbula ly'ebyeyambisibwa mu kusomesa. Wabula, abavunaanyizibwa ku kubibunyisa mu masomero bandirowooza nti abasomesa bonna baabifuna, so nga bangi baabikonga lusu. N'olwekyo, singa abavunaanyizibwa bano banaasoma obubaka obuli mu lupapula luno, bajja kuzuula obukulu bw'okwongeramu amaanyi mu kubunyisa ebyeyambisibwa mu kusomesa olulimi OLuganda mu masomero.

**Abategeka ebibuuzo by'akamalirizo mu nsomesa ya CBC**: Nga tukola okunoonyereza kuno, abasomesa baawa endowooza zaabwe ku bibuuzo eby'akamalirizo, ebyali biyinza okubuuzibwa abayizi abaali mu siniya yookuna. Singa ab'ekitongole ekitegeka ebigezo bafuna omukisa okusoma ku lupapula luno, bajja

kufuna endowooza zino era zibayambe okwongera okulongoosa mu ntegeka y'ebibuuzo by'abayizi.

**Bannannimi abalwanirira okwetongola kw'ennimi Enfirika:** OLuganda lulimi Lufirika, oluli mu kwefubako okuva mu nkwawa z'abafuzi b'amatwale. Embeera gye lulimu ye mbeera n'ennimi endala Enfirika mwe ziri. Singa bannannimi abalwanirira okwetongola kw'ennimi Enfirika banaalaba ku lupapula luno, kijja kubazzaamu amaanyi okukola ekintu kye kimu mu nnimi zaabwe.

# 4. Ebyazuulibwa

## 4.1 Ennyanjula

Mu ssuula eno, abanoonyereza baayanjizaamu ebyo byonna bye baazuula mu kunoonyereza kuno. Ebimu ku byaweebwa abanoonyereza baabiraga butereevu mu maloboozi g'abazibuzi, ate nga ebirala baabiwa mu ngeri efunziddwa okuva mu ebyo ebyaweebwa abazibuzi.

## 4.2 Ebyazuulibwa

Ebyazuulibwa byabinjawazibwa okusinziira ku bigendererwa by'okunoonyereza. Ebigendererwa byali bisatu (03), omwali okwekenneenya engeri abasomesa gye basomesaamu OLuganda (olumu ku nnimi Enfirika) nga tebafunye byeyambisibwa; okusoomoozebwa abasomesa kwe basanga kwe basanga nga bateeka mu nkola ensomesa eno empya; n'engeri gye bayinza okuvvuunukamu okusoomoozebwa okwo. N'olwekyo, ebiwe ebyafunibwa okuva mu kukubaganya ebirowoozo n'abasomesa wamu n'okulondoola ebigenda mu maaso nga abasomesa basomesa, bye biragiddwa wammanga ku buli kimu ku bigendererwa ebisatu.

### 4.2.1 Engeri abasomesa gye basomesaamu OLuganda (olumu ku nnimi Enfirika) nga tebafunye byeyambisibwa

Nga tutunuulira ebiwe by'ekigendererwa kino, okuva mu kukubaganya ebirowoozo, abasomesa baatuweera ddala obubaka obuwera ku ngeri gye basomesaamu nga abamu ku bo tebalina byeyambisibwa naddala ebyo ebyagabibwa gavmenti. Okusookera ddala, baagamba nti waliwo ekiwandiiko ekyava mu kitongole ekiteekateeka ebisomesebwa (NCDC) ekyali kirambika ebisaawe omwali mulina okuggyibwa ebisomesebwa. Nti, ekiwandiiko kino kiri mu Lungereza, era nga kirambika ennimi zonna ennansi ku ebyo bye bayinza okussaako essira nga basomesa. N'olwekyo, abasomesa baalaga nti ekyo



eISSN: 2958-9320
https://www.journals.ac.za/jlt

kimu ku bibayamba okusomesa oLuganda, wadde nga tekiriimu byonna birina kusomesebwa, okuggyako emitwetwetwe. Kino kikwatagana bulungi n'ebyo bye twazuula nga tutunuulira ebigenda mu maaso nga basomesa. Abamu baasomesanga beeyambisa kiwandiiko ekyo kyokka.

Abamu ku basomesa baali ba mazima ne batutegeeza nti bbo baasomesanga OLuganda naye ate nga beeyambisa bitabo bya ssomo lya Lungereza. Omusomesa Kiti (si lye linnya lye lyennyini) yatugamba nti;

> *Ffe DoS yatugamba nti tuleme kumulumya mutwe nga tumusaba ebitabo by'OLuganda. Nti, n'ebyolungereza byali bisobola okukola Ekyo kye twaki twagaza eby'OLuganda. Era okuva olwo, ffe twakwata bya Lungereza ne tunoonyaamu ebyo bye tuyinza okuvvuunula ne tusomesa*

Abamu ku abazibuzi abaatuwa engeri eyo waggulu, bwe twatuuka mu bibiina byabwe, abamu baalabibwako nga bajja n'ebitabo byabwe ebyabulijjo, nga mwe bafunzirizza ebyo bye baalinga baagala okusomesa. Okwefaanaanyirizaako n'oyo waggulu, ate ye musomesa Nakku (si lye linnya lye lyennyini) bwe yali asomesa, yajjira ddala n'ekitabo ekirambika ebirina okusomesebwa mu Lungereza. Yalabibwa nga abivvuunula, era yabisomesa mu Luganda okutuuka ku nkomelero y'olusoma. So, wadde abasomesa nga Kiti bbo baali bagenda mu kibiina nga bafunzizza ebyo bye bagaala okusomesa Luganda okuva mu kitabo ky'Olungereza, ye Nakku ekitabo ky'Olungereza yakitwalanga bukkolokkolo.

Okwongerezaako, omwetabi omulala – Bbongo (si lye linnya lye lyennyini) yategeeza abaali mu kibinja ekikubaganya ebirowoozo nti alina munne mu ssomero eddala, nga ye yasigala asomesa mu nsomesa enkadde. Yatugamba ati;

> *… munnange ye teyatawaana na bino by'atalina era by'atategeera. Yangamba, nti kye yakola, kugabanya bayizi be mu bibinja kubanga kino ensomesa empya ekisimbako nnyo essira, n'agenda mu maaso okusomesa mu nsomesa enkadde. Teri bayizi kukubaganya birowoozo wadde nga batudde mu ngeri ya bibinja. Mbu, ye ajja ne notisi ze …*

Obutafaanana mwetabi oyo waggulu, omwetabi omulala ye yanyonnyola nti yakitegeera bulungi nti omulamwa gw'ensomesa eno empya omukulu kwe kumaanyiwaza abayizi nga tusomesa. Kino, ye yakiraba nga omukisa okuzza obuyinza eri abayizi, beesomese! Yatugamba bw'ati;

> *… .nina akatabo ka gavumenti kamu … .abayizi mbateeka mu bibinja, olwo ne nfuna omulamwa gwe njagala abayizi bayige olunaku olwo okuva mu katabo, olwo ne nguwa abayizi, wadde nga bbo tebalina butabo ... ekirungi, ensomesa eno empya etukubiriza kuleka bayizi kweyigiriza. Bwe ndaba nga omulamwa mwangu nnyo, oluusi ne mu kibiina nvaamu abayizi ne beekubiriza bokka na bokka.*

Okwongereza ku by'omusomesa oyo waggulu, abazibuzi abasinga baalaga nti basomesa babinjawazza abayizi baabwe. Oyo eyalinayo akatabo ka gavumenti twamubuuza gye yakaggya n'atutegeeza nti akatabo ako kaali si katongole, wabula kaali kakyali mu bubage, nti ye olwakafuna ku mutimbagano ne yeekoleramu akake. Nti, kino yakikola kubanga gavumenti yali tebawanga butabo bwa kukozesa, wadde nga abayizi ensomesa eno kwe yatandikira baali bamalako siniya eyookusatu.

Abazibuzi abawerako baakinogaanya bulungi nti olwaleetawo ensomesa eno empya, abasomesa abamu naddala abo abamanyi okuwandiika ebitabo, baagenda mu maaso ne beekubisizaayo ebitabo ebyabwe ku bwabwe, ne batandika okubitunda. Nti, abawandiisi bano baawandiika ebitabo byabwe nga babyesigamizza ku nnungamya y'ennimi ennansi zonna, eyafulumizibwa ekitongole ekiteekateeka ebisomesebwa (NCDC). Nti, ebyo bye beeyambisa, olwa gavumenti okulwawo okufulumya ebyeyambisibwa eby'ennimi ennansi. Kino kikwataganira ddala bulungi n'ebyo bye twalaba nga tugenze okutunuulira ebigenda mu maaso nga basomesa, kubanga bangi ku beetabi baali beeyambisa bitabo bya bawandiisi ssekinnoomu so si ebyo ebya gavumenti.

Okwefaanaanyirizaako n'embeera eyo waggulu, omwetabi omu yatugamba nti ye, by'asomesa mu nsomesa eno empya yabiggya mu misomo gy'ekibiina ky'abasomesa b'OLuganda ekya LTA. Nti, olwokuba nti mu misomo gya LTA mubeeramu abakugu aba buli ngeri, ebyo bye baabawa bye yeesigamako ng'asomesa. Kino nno tekyali ku ye yekka, wadde nga abalala tebaakitugamba mu kukubaganya ebirowoozo. Wabula, bwe twagenda mu bibiina eby'enjawulo okulaba engeri abasomesa b'OLuganda gye basomesaamu mu nsomesa empya, kya mazima abamu twabasanga n'ebifunze bye baafuna mu misomo gya LTA.

Okwongereza ku ebyo waggulu, abasomesa baatugamba nti batadde ensomesa empya mu nkola nga beeyambisa basomesa bannaabwe abaagikugukamu, ne bajja mu masomero gaabwe okwongera okubabangula. Baatutegeeza nti beeyambisa obuvujjirizi okuva mu nsawo y'essomero, ne bafuna bannaabwe ne bajja babayitiramu ku ngeri y'okutuukirizaamu ensomesa eno empya. Bwe twababuuza engeri abo abajja

okubabangula bbo gye baafunamu obukugu obwo, abasomesa baatutegeeza nti abo baafuna emisomo n'okutendekebwa okw'enjawulo okuva mu kitongole ekiteekateeka ebisomesebwa, wamu n'ekyo ekitegeka ebigezo by'eggwanga. Kya mazima, omwetabi omu yatutegeeza nti essomero lye lyaleetera ddala omu ku basomesa abeetaba mu kutegeka ebibuuzo ebinaabuuzibwa mu nsoma eno empya.

N'ensonga esembayo eyaleetebwa abazibuzi, y'eyookubeera nti beenyigira mu kutendekebwa okukolebwa gavumenti, nga eyita mu minisitule y'ebyenjigiriza. Mu ngeri eyo, bafuna obukodyo obwawamu bwe beeyambisa okussa ensomesa eno mu nkola. Bwe twababuuza lwaki babuyita obukodyo obwawamu, Mutumba (si lye linnya lye lyennyini) yaddamu nti;

> *… nze mbuyita bwawamu kubanga ababutuwa babutuweera wamu ffenna, awatali kwawulamu nti bano basomesa ba Luganda, bano ba byafaayo, bano ba byanfuna. Kweggamba ekirango bwe kiyita, bakamabaffe ne batuduumira lufaaya …*

Baagenda mu maaso ne batutegeeza nti, bwe babeera mu kutendekebwa obw'ekikungo nga okwo, abatendesi bava mu masomo ag'enjawulo, era babawa obukodyo obw'enjawulo naddala ku ngeri y'okusomesaamu, engeri y'okugezesa oluvannyuma lw'essomo, olusoma, oba taamu, oba ku nfundikira y'omwaka. Era baakikkaatiriza bulungi nti olw'okuba babeera n'abaamasomo amalala, olulimi olweyambisibwa luba Lungereza, olwo omutendesi omu n'asobola okuwuliziganya n'abasomesa b'amasomo ag'enjawulo. Nti, emisomo egyo gyabayamba okusomesa, wadde nga baali tebannaba kufuna byeyambisibwa mu kusomesa okuva mu gavumenti.

Mu kuwumbawumba, abasomesa baatunyonnyola nti bafubye nnyo okuteekesa mu nkola ensomesa eno empya nga bakola ebintu eby'enjawulo nga bwe biragiddwa waggulu. Wadde nga si bye bituukiridde obulungi, abasomesa basobodde okuteekesa mu nkola ensomesa eno nga babyeyambisa. Bino byakakasibwa abanoonyereza oluvannyuma lw'okugenda mu bibiina by'abazibuzi nga basomesa, abanoonyereza ne basanga nga ddala ebyo bye baawa era bye bibayamba nga basomesa.

### *4.2.2 Okusoomoozebwa abasomesa b'OLuganda kwe basanga nga bateeka mu nkola ensomesa eno empya*

Wadde nga n'amasomo amalala gasanze okusoomoozebwa nga gateekesa mu nkola ensomesa eno empya, kyokka zo ennimi Enfirika zisange okusoomoozebwa okutagambika. Mu kukubaganya ebirowoozo kwe twalina n'abasomesa b'OLuganda, baaleeta okusoomoozebwa okuwerera ddala, wadde nga okumu twakusengejja ne tulaba nga tekwekuusa ku by ensomesa eno empya.

Okusookera ddala, abasomesa bonna abeetaba mu kunoonyereza kuno baakissaako nnyo essira nti, okusoomoozebwa okusinga obunene kwe basanze kwe kw'okubeera nti tebaafuna kutendekebwa kumala, nga tebannaba kulagirwa kuteeka mu nkola ensomesa eno empya. Abasinga bannyonnyola nti gavumenti yateekawo emisomo mitono ddala, ate nga gya kikungo. Namuli (si lye linnya lye lyennyini) yatugamba bwati ku nsonga eno;

> *… buli luwummula, gavumenti ebadde etera okuteekawo emisomo gya mirundi ebiri: ogw'abasomesa b'amasomo ga saayansi n'ago aga ati. Kyokka mujjukire nti OLuganda lugwa mu masomo ga ati. Awo nno, ne balyoka babayita mu kizimbe ky'essomero limu, nga bayise ba disitulikiti nnamba…Oluusi n'otuukayo nga wajjudde, oba nga otudde wabweru n'ebigenda mu maaso munda tobiwulira!*

Okusoomoozebwa kwa Namuli okwo, kwekuusa ku kwa Kyolaba (si lye linnya lye lyennyini) bw'agamba nti;

> *… mkyokka nga ovudde lungendo, wakedde, naye n'otambulira obwereere! Nze olumu omukulu w'essomero yannonda ne ngaana okugendayo, olw'ekyo ekyantuukako lwe nasooka okugendayo. Emisomo eyo gavumenti egitegeka bubi.*

Mu ngeri y'emu, abazibuzi baagenda mu maaso ne bategeeza nti, gavumenti bw'etegeka emisomo ku nsomesa eno empya, bbo nga abasomesa b'OLuganda n'ennimi ennansi endala bafuna okusoomoozebwa mu ngeri nti, abayigisa beeyambisa lulimi Lungereza, mu kifo ky'abasomesa bano okuyigira mu nnimi zaabwe ze basomesezaamu. Omu ku beetabi yagamba nti;

> *… si nti simanyi Lungereza. Naye, teeberezaamu omuntu okujja okukuyitiramu ku ngeri gy'ogenda okuteeka mu nkola ensomesa empya nga osomesa OLuganda, kyokka ng'akozesa Lungereza! Takoma okwo, olwokuba ffena tubeera wamu lufaaya, abasomesa b'ennimi wamu n'abo ab'amasomo amalala, olwo ebyokulabirako ne biva mu ssomo ly'ebyafaayo ... Okusoomoozebwa kuno kutumenye nnyo nga tuteeka mu nkola ensomesa eno empya ...!*

Abazibuzi era baakinogaanya nti ate oluva mu kutendekebwa okwo okw'omunguuba, olwo ne boolekera obuzibu bw'ebbula ly'ebikozesebwa. Nti, ebikozesebwa mu



eISSN: 2958-9320
https://www.journals.ac.za/jlt

kusomesa olulimi OLuganda mu nsomesa eno empya byakkekwa, ekiremesa omusomesa okutuuka ku biruubirirwa ebiba bigereddwa. Nti, gavumenti bwe yatandika mu butongole ensomesa eno empya mu mwaka gwa 2020, yafulumya ebika by'ebitabo ebyokweyambisa ebikulu bibiri (02) ebyeyambisibwa nga ennuŋŋamya mu nkwajja y'okusomesa n'okuyiga. Ekisooka ky'e kitabo ky'omusomesa (teacher's guide), ekyategekebwa nga ennuŋŋamya y'enkozesa y'ekitabo ky'omuyizi ate n'ekitabo ky'omuyizi (learners' book) abayizi kye beeyambisa mu nkwajja y'okuyiga. Amasomo agamu nga n'ery'OLuganda mw'olitwalidde, we tukuŋŋaanyirizza obubaka buno nga tegalina biwandiiko bikulu bino newankubadde nga kaliculaamu empya yo egenda mu maaso n'okuteekebwa mu nkola.

Okufaananako n'ensonga eyo waggulu, omwetabi omu eyatugambye waggulu nti ye bye yeeyambisa mu kusomesa yabifuna oluvannyuma lw'okufuna ekitabo kya gavumenti ekyali mu bubage, bwe twatuuka ku kusoomoozebwa okusangiddwa nga bateeka mu nkola ensomesa eno empya, yatugamba nti alifa taddidde kwerijjira ku biwandiiko bitannaba kutongozebwa! Yatugamba anti;

> *...mukwano gwange eyampeereza ku kiwandiiko kye nnayokyamu era nneeyambise mu kusomesa, na kati akyali mu mbuzeekogga!......... kyokka abayizi kati bali mu siniya yaakusatu, gavumenti tefulumyanga butabo bwa nnimi nnansi, kyokka n'ako akaali mu bubage ke twali kufunye okuva ku munnaffe ate ate kaamusibya busibya! ...teyakatuwa kufunamu nsimbi, wabula kutuyamba ...Oluvannyuma lw'okumusiba, kati tukakozesa twekwese!*

Kino nno kitegeeza nti, abasomesa b'OLuganda abamu ate ne bye bakozesa nga basomesa babikozesa mu bubba, nga omusomesa oyo bw'anyonnyodde waggulu! Twagenda mu maaso n'okubuuza omwetabi ono ku kusoomoozebwa ki ddala okwagwawo, n'atutegeeza nti n'okutuusa okunoonyereza kuno we twakukolera, munne eyamuwa ku katabo akaali ak'OLuganda kyokka nga gavumenti yali tennakafulumya mu butongole, yasibwa. Avunaanibwa gwa kuzannyira ku biwandiiko by'atalinaako bwannannyini.

Okweyongerayo, era abasomesa beebamu baalaga okusoomoozebwa kw'abakulira amasomero obutabayamba, naddala mu kufuna ebyeyambisibwa. Okugenda, baatutegeeza nti ebiseera ebisinga beeyambisa ssente zaabwe okugenda mu misomo. So era, ne bwe kuba kugula bitabo ebyo ebiwandiikibwa abawandiisi ssekinnoomu, abasomesa b'OLuganda be beeteeramu ssente. Nti, abakulira amasomero abasinga balinga abaafiisa edda OLuganda.

Okukendeera ennyo okw'abayizi abakola OLuganda. Abazibuzi baatutegeeza nti abayizi abasoma OLuganda mu masomero bakendeeredde ddala, nga ensonga ezivuddeko kino ziwerako. Nti, okusookera ddala, gavumenti, okuyita mu nsomesa eno empya, yakissaawo nti amasomo ag'obuwaze gali musanvu (07). Nti, amalala gonna omuyizi asobola okulondayo eddala limu okuweza omuwendo ogw'essalira, ogw'amasomo omunaana. Nti omuyizi bw'aweza omuwendo ogw'essalira, olwo waddembe okwongerako n'aweza amasomo kkumi, oba okusigala ku masomo munaana. Nti wano wavuddeko akatyabaga kanene ddala, olw'abayizi okulondako amasomo amalala, so si Luganda. Nti, mu masomero agamu, yo OLuganda baalugoberayo ddala, olwa kaliculamu eno empya. Kino twagenda mu maaso n'okukikakasa, bwe twagenda mu bimu ku bibiina nga abayizi balimu batono ddala.

Okwongereza okwo, era abazibuzi baatutegeeza nti basanze okusoomoozebwa ku ngeri y'okugezesaamu abayizi baabwe, naddala nga bamaze okubasomesa. Engeri ensomesa eno empya gy'eri ennyo ku kiki omuyizi ky'asobola okukola nga amaze okusoma by'omusomesezza, abasomesa baakisangamu obuzibu. Wetwakungŋŋaanyiza bino, baatutegeeza nti kaakano emyaka esatu, ebitongole bya gavumenti ebivunaanyizibwa byali tebinnavaayo na byakulabirako (sampolo) bya ngeri ebibuuzo gye birina okufaananamu, olwo nabo nga abasomesa ne basigala nga basobeddwa.

Mu kutunuulira ebigenda mu masso mu kibiina, twasaba abasomesa batuwe ku nnambika z'obudde bwabwe ze basomesezaako. Twakizuula nti abasomesa bonna balina obungi bw'obudde bwe bumu. Twababuuza kino kwe kiva, ne batutegeeza nti obudde obwo bwalambikibwa gavumenti. Nti, mu siniya esooka n'eyookubiri, OLuganda lulina kusomesebwa emirundi ebiri gyokka buli wiiki. Ate mu siniya eyookusatu n'eyookuna, awo lusomesebwe emirundi esatu buli wiiki. Abazibuzi baatutegeeza nti obudde buno butono nnyo, nga tebasobola kusomesezaamu byonna bye balina kusomesa.

Ebitabo by'abawandiisi ssekinnoomu bya buseere. Abazibuzi baakikkaatiriza nti amasomero gaabwe tegabawa buvujjirizi bwonna kufuna bitabo ebyo ebyeyambisibwa mu kusomesa. N'olwekyo, beeyambisa ssente zaabwe okugula ebitabo ebyo bye bakozesa. Kyokka, eky'ennaku, ebitabo ebyo bya buseere nnyo. Nti, bafundikira banyigiriziddwa nnyo mu bigambo by'okugula obutabo.

Okwefaanannyirizaako n'ensonga eyo waggulu, abawandiisi b'ebibato ebyo eby'obwannannyini bakola entaputa ya kaliculamu empya mu ngeri za njawulo. N'olwekyo, bawandiika ebitabo byabwe mu ngeri za njawulo. Kino kireeseewo okubuzaabuzibwa kungi ddala eri abasomesa, kubanga nti beesanga balina obubaka

bwa njawulo ku nsonga y'emu ekwata ku kaliculamu empya. Nti wabula kino kyonna kivudde ku gavumenti okulwawo okuweereza obutabo bw'okweyambisa mu masomero mu budde.

Nga tuwumbawumba ku nsonga eno, abazibuzi baatuwa obubaka obuwerako obwekuusa ku kusoomoozebwa kwe basanga nga bateeka mu nkola ensomesa empya eya CBC. Ebyo byonna bye baakubaganyaako ebirowoozo, byeyolekera bulungi mu ebyo bye twekenneenya nga abasomesa basomesa butereevu mu kibiina.

### *4.2.3 Engeri gye bayinza okuvvuunukamu okusoomoozebwa okwo.*

Abasomesa abeetaba mu kunoonyereza kuno baaleeta engeri eziwerako eziyinza okuyitibwamu okusobola okuvvuunuka okusoomozebwa kwe baatuwa mu kitundu eko ekiwedde. Empenda ze baatuwa twazanjiza wamu n'ezo ze twekkaanya nga tulaba ebigenda mu maaso mu kibiina. Wammanga zeezimu ku ngeri ze baawa.

Okusookera ddala, abazibuzi baatutegeeza nti gavumenti yeesuuliddeyo gwa nnaggamba mu kuweereza ebitabo ebirina okweyambisibwa mu kusomesa ennimi Enfirika mu masomero. Kkwale (si lye linnya lye lyennyini) yayogera bw'ati ku nsonga eno;

> *... tuutuno tuyisizza wakati wa mwaka ogwokusatu bukyanga enkola eno eteekebwa mu nkola. Mu butuufu, gavumenti eruddewo okutuwa ebitabo ebyetaagisa. Erina okwanguyiriza okutuwa ebitabo ebyo ...*

Mu mbeera eyongera okukkaatiriza endowooza ya Kkwale, abazibuzi abalala nabo baagenda mu maaso ne bagamba nti ate mu kuweereza ebitabo mu masomero, baweereze ebyo ebimala, so si kuweerezaayo bya muswaba. Nti, baakirabyeko mu masomo amalala, nga gavumenti eweereza obutabo obutamala. Bw'eweereza obw'abayizi nga bumala, mbu ate n'eteweererezaako bwa basomesa. Bw'eweereza obw'abasomesa ate obw'abayizi n'eweerezaayo bubale. N'olwekyo, singa kituuka ku butabo bw'OLuganda, gavumenti eweereze obutabo nga bumala. Era abazibuzi baasaba gavumenti ekkirize abasomesa okweweerezanga ebitabo ebyo ku mitimbagano, kubanga awo bisaasaana mangu. Nti, kino kijja kuyamba abasomesa abatafunye bitabo mu mpeke, okwefulumiza ebyabwe okuva mu ebyo bye bafunye okuva ku mutimbagano.

Abazibuzi era baalaga nti basobola bulungi okufuna obukugu obwetagisa singa emisomo gy'ensomesa eno empya gyongerwamu amaanyi. Baalaga nti emisomo



eISSN: 2958-9320
https://www.journals.ac.za/jlt

egyasooka, abantu baalinga bangi nnyo. N'olwekyo, baalaga nti obuzibu bw'omujjuzo mu misomo gy'okutendakebwa busobolwa okuvvuunukibwa nga emisomo gyongedde okutulwakutulwamu.

Okwefaanaanyirizaako n'ensonga eyo waggulu, abazibuzi bonna baawagira ensonga y'okutendekebwa mu nnimi zaabwe, awatali kugattikibwa na ba nnimi ndala. Ku nsonga eno, Naaki (si lye linnya lye lyennyini) agamba nti;

> *... okimanyi bulungi nti ndi musomesa wa Luganda. Lwaki ompita mu musomo, otandike okuntendeka mu Lungereza, bye nina okusomesa mu Luganda? ...*

Kino abasomesa baagamba nti singa kigonjoolwa, ne batendekebwa mu Luganda, kitegeeza nti n'ebyokulabirako bijja kubeera bya Luganda. Kino kijja kubayamba okutegeera obulungi ebyo ebibatendekeddwa, olwo basobole okuteeka mu nkola obulungi ensomesa eno. Abazibuzi baalaga nti, ennimi zonna Enfirika ezisomesebwa mu Uganda, singa zitendekebwa mu zo zennyini, olwo zonna zitumbukire wamu. Nti, kino kimu bijja okuyamba mu kwongera okumaanyiwaza ennimi zino, nga emu ku nkola y'okuzitakkuluza ku buwambe bw'ennimi z'abafuzi b'amatwale.

Abazibuzi bwe baatuuka ku ngeri gye bayinza okuvvuunukamu ensonga y'abawandiisi ba ssekinnoomu oluusi abawandiika ebitabo by'okweyambisa mu kaliculamu eno empya naye nga tebikwatagana, baagamba nti wasaana wabeewo ekitongole abawandiisi bano mwe beegattira. Nti, olwo buli muwandiisi nga asooka kutwalayo kiwandiiko kye, ne kitunulwamu oba nga ddala kiri ku mutindo ogusaanidde okusaasaanya mu bantu. Nti singa kino tekiikolebwe, olwo buli muwandiisi ajja kusigala awandiika nga bw'ayagala, era akavuyo akaliwo kaakano kajja kusigala kakyaliwo.

Okwongera okutendekebwa naddala mu kkowe lya pulojekiti. Ensonga eno abasomesa baagisimbako nnyo essira. Abasomesa baakikkaatiriza nti emu ku mpagi za kaliculamu eno empya kwe kusobozesa abayizi okubaako ne kye bayinza okwekolera, we bamalirako eddaala ly'okusoma erimu. N'olwekyo, nti ekigambo kya pulojekiti kikulu nnyo. Bagamba nti gavumenti ebayambe eweereze naddala ebyokweyambisa ebyetaagisa mu kkowe lya pulojekiti, abayizi basobole okubaako kye basobola okwekolera nga oggyeeko okusoma mu kibiina. Baawa ekyokulabirako ky'emikutu gy'empuliziganya, okugeza leediyo. Baagamba nti abayizi naddala ab'ennimi, si Luganda lwokka wabula n'ennimi endala zonna, basaana ne bagulirwa ebintu


eISSN: 2958-9320
https://www.journals.ac.za/jlt

ebyefaanaanyiriza ekifo omufulumizibwa ebigenda ku mpewo, olwo abayizi bakole pulojekiti ezinaabasobozesa okubeera abaweereza b'oku mpewo abalungi.

OLuganda, wamu n'ennimi Enfirika endala ziggyibwe mu kibinja ky'ennimi engwira. Abazibuzi baagamba nti okusobozesa ennimi ennansi okuvuganya mu kaliculamu empya, zisaana ziggyibwe mu kibinja ky'ennimi engwira, zibeere nga zirondebwako zzo nga zzo. Abazibuzi baakinogaanya nti emu ku nsonga ezireetedde abayizi abalondako OLuganda okukendeera. Kino abazibuzi baakisimbako nnyo essira, nti kubanga ennimi ennansi nkulu nnyo mu bulamu bw'abayizi bano.

Nga tuwumbawumba essuula y'okwanja ebyazuulibwa, okusinziira ku ngeri abazibuzi gye baatunyonnyolamu engeri gye bateekesezzaamu ensomesa mpya mu nkola, okusoomoozebwa kwe basanze n'engeri gye bayinza okukuvvuunukamu, kyeyoleka nti abasomesa bano beetegefu okusomesa mu nsomesa empya. Babulamu kimu kya kuyambibwako naddala abakulu b'amasomero awamu ne gavumenti, basobole okutuukiriza obuvunaanyizibwa bwabwe obulungi.

# 5. Okukubaganya ebirowoozo ku byazuulibwa n'okuwumbawumba

## *5.1 Ennyanjula*

Mu kitundu kyaffe ekiwedde, tubadde tuwa ebyo byonna ebyakenenulwa okuva mu byatuweebwa abazibuzi. Mu kitundu kino, tugenda kukubaganya ebirowoozo ku ebyo abazibuzi bye baatuwa nga bwe tubigeraageranya n'ebiwandiiko ebyajulizibwa, wamu n'okuwumbawumba okunoonyereza kwaffe.

## *5.2 Okukubaganya ebirowoozo ku byazuulibwa*

Okusinziira ku byazuulibwa, abasomesa b'ennimi Enfirika mu Uganda bazisomesa nga tebafunye byeyambisibwa byonna bye beetaaga. Kino kibaleetera okweyambisa ebyo bye basanze, wadde nga oluusi biyinza okubeera nga tebiggyaayo bulungi bigendererwa bya nsomesa eno empya, ey'okumaanyiwaza abayizi. Kyokka, abanoonyereza baakiraba okuva mu kutunuulira ebigenda mu maaso mu kibiina nga abasomesa basomesa, wamu n'ebyo abasomesa bye baakubaganyaako ebirowoozo mu bibinja, nti abasomesa b'OLuganda bafuba nnyo okuteekawo ebyeyambisibwa mu kusomesa mu nsomesa eno empya. Abazibuzi bwe bagamba nti banguyirwa okuteeka mu nkola ensomesa eno empya nga balina ebikozesebwa, kiba kituukira bulungi ku byekkaanyizibwa mu kujuliza ebiwandiiko, abanoonyereza (León & Valdivia, 2015) abaakikkaatiriza nti ebyeyambisibwa mu kusomesa biyamba omusomesa

okwanguyirwa ebyo by'asomesa. Kino era kikwataganira ddala bulungi n'endowooza ya Kolb et al. (1999) egamba nti ebyeyambisibwa biyamba abayizi okwetonderawo amagezi amapya. N'olwekyo, abasomesa b'ennimi Enfirika nga n'OLuganda mw'olutwalidde, bafuba nnyo okufuna ebyeyambisibwa mu kusomesa mu nsomesa eno empya, basobole okuyamba abayizi baabwe okugunjaawo amagezi amaggya, ate nga guno gwe mulamwa omukulu ogw'ensomesa eno.

Wabula, era abanoonyereza era baakizuula nti abasomesa b'ennimi Enfirika mu Uganda basanze okusoomoozebwa okuwerako nga bateekesa mu nkola ensomesa eno empya. Okusookera ddala, abanoonyereza baakizuula nti ennimi Enfirika zinyoomebwa, okuviira ddala ku masomero, okutuukira ddala mu bitongole ebivunaanyizibwa ku byenjigiriza. Singa kino tekyali kityo, ebyeyambisibwa mu kusomesa eby'amasomo gonna byandibadde bifulumizibwa lumu. Wabula, gavumenti yafulumya eby'amasomo amalala gonna, n'eraga nti terina ssente zifulumya ebyo eby'ennimi ennansi!

Ebikozesebwa mu kusoma byongera ku busobozi bw'omusomesa okutuusa obubaka eri abayizi be mu ngeri entuufu, ennuŋŋamu, ennambulukufu era etegeerekeka singa bibeera byeyambisiddwa bulungi. Luciano Beltramo (2017) aganba nti singa ekimu kikozesebwa bubi oba okutegeerwa mu ngeri endala etali eyo egendererwa kisobola okuwabya omusomesa okwo ssaako n'abayizi. Mu ngeri eyo, ekyo kisobola okukosa enkwajja y'okuyiga n'okusomesa. N'olwekyo, gavuenti esaanye okuyamba absomesa b'ennimi Enfirika okubawa bye beetaaga, basoble okussa mu nkola ensomesa eno eno empya nga beeyambisa ebikozesebwa ebituukiridde.

Abazibuzi baagenda mu maaso n'okulaga engeri gye bayinza okuvvuunukamu okusoomoozebwa kwe basanga nga bateekesa ensomesa eno empya mu nkola. Wabula, bwe weekenneenya ennyo byonna bye baawa, okiraba nti ebisinga biri mu mikono gya bakamabaabwe, ssaako ne gavumenti. Okugeza, essira baalisimba nnyo ku bbula ly'ebyo ebyeyambisibwa mu kusomesa ennimi Enfirika. Nga oggyeeko ebyo eby'obuwaze ebirina okuweebwayo gavumenti, abasomesa baalaga balina bingi bye batalina, nga bwe birambikibwa abanoonyereza Lasala (2014) ne Klimova (2014) bye twalaba nga twekenneenya ebiwandiiko. Singa abasomesa tebabifuna, olwo tebajja kunenyezebwa nga beeyambisizza ebyo ebitatuukira ku nsomesa eno.

Kyokka, nga bwe kiragiddwa waggulu, wadde nga abazibuzi baalaga ezimu ku ngeri gye bayinza okuvvuunuka okusoomoozebwa okwo, abanoonyereza bwe baali balondoola ebigenda mu maaso, baalaba nga waliwo ebyo ebirina okutereezebwa abakulira amasomero wamu ne gavumenti. Okugeza, mu bibiina bingi, mwasangibwa akafuutiiko k'entebe abaana kwe batuula. Kino kitegeeza nti waliwo ebbula ly'ebibiina oba ebifo omusomerwa. Era, abasomesa beemulugunya ku budde obutono obwaweebwa ennimi ennansi mu nsomesa eno empya. Kisaanidde gavumenti

okuddamu okukitunulamu, ennimi ennansi nazo ziweebwe obudde obwenkana n'obwamasomo amalala.

**Mu kuwumbawumba**, abanoonyereza bakubiriza abasomesa b'ennimi Enfirika mu Uganda okugenda mu maaso n'okulafuubanira ennimi zaabwe, wakati mu kusoomoozebwa kwe balimu. Gavumenti wamu n'abo bonna abavunaanyizibwa ku kuteekesa mu nkola ensomesa eno empya ey'okumaanyiwaza abayizi balibasanga nga balina we batuuse. Okubiggyamu enta kitegeeza kulemererwa gyebali, ate obwo nga buba buwanguzi eri abo abataagaliza nnimi zaffe. N'olwekyo, tufungize.

### *5.3 Ebisembebwa abanoonyereza*

Bino wammanga bye bisembebwa abanoonyereza;

- Gavumenti wamu n'abakulira amasomero bawe abasomesa b'ennimi Enfirika ebyeyambisibwa mu kusomesa bye beetaaga byonna, basobole okubyeyambisa nga basomesa.
- Buli luwummula, abasomesa batwalibwe mu kutendekebwa mu nsomesa n'engezesa y'ennimi ennansi mu nsomesa empya, ate batendekebwe mu nnimi zaabwe.
- Gavumenti erondoole engeri abasomesa gye batadde mu nkola ensomesa empya, kigiyambe okuzuula abagaanye mu bugenderevu, n'abo abaakyalina okusoomoozebwa ebayambeko okubuvvuunuka.

## Ebiwandiiko ebijuliziddwamu


Ajoke, A. R. (2017). The importance of instructional materials in teaching of English as a second language. *International Journal of Humanities and Social Science Invention, 6*(9), 2319 – 7722.

Akello, D. L., Timmerman, G., & Namusisi, S. (2015). Teaching reading and writing in local language using the child-centred pedagogy in Uganda. *Language and Education,*. https://doi.org/10.1080/09500782.2015.1106553

Altinyelken, H. K., Moorcroft, S., & Van der Draai, H. (2014). The dilemmas and complexities of implementing language-in-education policies: Perspectives from urban and rural contexts in Uganda. *International Journal of Educational Development, 36*, 90-99. https://doi.org/10.1016/j.ijedudev.2013.11.001

Arnold, W., & Rixon, S. (2008). Materials for teaching English for young learners. In B. Tomlinson (Ed.), *English language learning materials: A critical review*. Kings Lynn, Norfolk: Biddies Ltd.

Athiemoolam, L. (2018). The value of drama-in-education as a decolonising pedagogy through embodied drama strategies in a higher education classroom. *Journal of Educationa, 72,* 55-72. https://doi.org/10.17159/2520-9868/i72a04

Behroozizad, S., Nambiar, R., & Amir, Z. (2014). Emergence and development of language learning strategies through mediation in an EFL learning context. *Procedia - Social and Behavioral Sciences, 118,* 68 – 75. https://doi.org/1016/j.sbspro.2014.02.010

Brock-Utne, B. (2010). Research and policy on the language of instruction issue in Africa. *International Journal of Educational Development, 30*(6), 636-645. https://doi.org/10.1016/j.ijedudev.2010.03.004

Brown, H. D. (2006). *Principles of language learning and teaching* (5th ed.). New York: Pearson Education.

Busingye, J. D., & Najjuma, R. (2015). Do learning and teaching materials influence learning outcomes amidst high enrolments? Lessons from Uganda's universal primary education. *Education Review, 12*(1), 109-126. https://doi.org/1080/18146627.2015.1036572

Cardoso, D. C., Cristiano, M. P., & Arent, C. O. (2009). Development of new didactic materials for teaching science and biology: The importance of the new education practices. *OnLine Journal of Biological Sciences, 9*(1). https://doi.org/3844/ojbs.2009.1.5

Cesur, M. O. (2011). Can language learning strategies predict Turkish university prep class students' achievement in reading comprehension? *Procedia Social and Behavioral Sciences, 15*, 1920–1924. https://doi.org/1016/j.sbspro.2011.04.028

Chan, C. S. C. (2017). Investigating a research-informed teaching idea: The use of transcripts of authentic workplace talk in the teaching of spoken business English. *English for Specific Purposes, 46*, 72-89. https://doi.org/10.1016/j.esp.2016.12.002

Coskun, A. (2011). Investigation of the application of communicative language teaching in the English language classroom – a case study on teachers' attitudes in Turkey. *Journal of Linguistics and Language Teaching, 2*(1), 1-23.

Dawson, C. (2009). *Introduction to research methods: A practical guide for anyone undertaking a research project*. Begbroke, Oxford: How To Books Ltd.

El-Hmoudova, D. (2015). Assessment of individual learning style preferences with respect to the key language competences. *Procedia - Social and Behavioral Sciences, 171*, 40-48. https://doi.org/10.1016/j.sbspro.2015.01.086

Given, L. M. (2008). *The Sage encyclopedia of qualitative research methods*. Thousand Oaks, Cal.: Sage Publications.

Healey, M., & Jenkins, A. (2000). Kolb's experiential learning theory and its application in geography in higher education. *Journal of Geography, 99*, 185-195.

Hesse-Biber, S. N. (2010). *Mixed methods research: Merging theory with practice*. New York: The Guilford Press.

Jupp, V. (2006). *The Sage dictionary of social research methods*. London: Sage Publications.

Kagoda, A. M., & Ezati, B. A. (2013). Contribution of primary teacher education curriculum to quality primary teacher education curriculum to quality primary education in Uganda. *Problems of Education in the 21st Century, 52*, 35-47.

Kemmis, S., & McTaggart, R. (1988). *The action research reader*. Geelong, VIC.: Deakin University Press.

Klimova, B. F. (2014). Detecting the development of language skills in current English language teaching in the Czech Republic. *Procedia - Social and Behavioral Sciences, 158*, 85-92. https://doi.org/10.1016/j.sbspro.2014.12.037

Kolb, D. A. (1984). *Experiential learning: Experience as the source of learning and development*. Englewood Cliffs, N.J.: Prentice Hall.

Kolb, D. A., Boyatzis, R. E., & Mainemelis, C. (1999). Experiential learning theory: Previous research and new directions. In R. J. Sternberg & L. F. Zhang (Eds.), *Perspectives on cognitive, learning, and thinking styles*. Cleveland: Case Western Reserve University.

Kyeyune, R., Mirembe, R., Baleeta, M., Sentongo, J., Nambi, R., Katende, G., Westbrook, & Lussier, K. (2011). *Teacher preparation and continuing professional development in Africa (TPA): Learning to teach reading and mathematics and its influence on practice in Uganda: Uganda's country report July 2011*.

Lasala, C. B. (2014). Communicative competence of secondary senior students: Language instructional pocket. *Procedia - Social and Behavioral Sciences, 134* (Supplement C), 226-237. https://doi.org/10.1016/j.sbspro.2014.04.243

León, G., & Valdivia, M. (2015). Inequality in school resources and academic achievement: Evidence from Peru. *International Journal of Educational Development, 40*, 71-84. https://doi.org/10.1016/j.ijedudev.2014.11.015

Leung, C. (2014). Researching language and communication in schooling. *Linguistics and Education, 26*, 136-144. http://doi.org/10.1016/j.linged.2014.01.005

Luciano Beltramo, J. (2017). Developing adaptive teaching practices through participation in cogenerative dialogues. *Teaching and Teacher Education, 63*, 326-337. http://doi.org/10.1016/j.tate.2017.01.007

Lumala, M., & Trabelsi, S. (2008). Materials used in Africa. In B. Tomlinson (Ed.), *English language learning materials: A critical review*. Kings Lynn, Norfolk: Biddies Ltd.

Mabonga, G. (2021). Competence-based curriculum in Uganda: The reality on ground, successes, challenges and recommendations. https://www.researchgate.net/publication/351458460

Majzub, R. M. (2013). Teacher trainees' self evaluation during teaching practicum. *Procedia - Social and Behavioral Sciences, 102* (Supplement C), 195-203. https://doi.org/10.1016/j.sbspro.2013.10.733

Masaazi, F. M. (2015). Instruction in Luganda and assessment in English: The case teaching practice at Makerere University. *International Journal of Humanities and Social Science, 5*(8-1), 181-190.

Masagazi, F. M. (2004). *Prospects and challenges of improving the teaching of Luganda through the integrated -functional approach.* Doctoral thesis, Makerere University, Kampala.

Mâţă, L., Cmeciu, D., & Ghiaţău, R. M. (2013). A reference framework of pedagogical competences of language teachers in the initial training programmes. *Procedia - Social and Behavioral Sciences, 93,* 648-653. https://doi.org/10.1016/j.sbspro.2013.09.255

Mukasa, J. K. (2013). *Empowering the Ugandan child through reading*.

Mukasa, J. K., & Masembe, E. (2018). Practices of teaching reading in Ugandan primary schools: The case of Luganda local language. *International Journal of Education and Research, 6*(4), 127 - 138.

NCDC. (2006a). *The national primary school curriculum for Uganda, Primary 1.* Kampala: National Curriculum Development Centre.

NCDC. (2013). *Uganda advanced certificate of education: Teaching syllabi for art and design, English literature, local language, general paper.* Kampala: National Curriculum Development Centre. Retrieved June 21 from https://www.asclibrary.nl/docs/374326258.pdf

NCDC. (2016). *Lower primary/thematic curriculum*. Kampala: National Curriculum Development Centre. http://www.ncdc.go.ug/index.php?option=com_content&view=article&id=80&Itemid=478.

NCDC. (2018). *National Curriculum Development Center, lower secondary curriculum: Local languages curriculum framework*. Kampala: National Curriculum Development Centre.

Ngaka, W., & Masaazi, F. M. (2015). Participatory literacy learning in an african context: Perspectives from the ombaderuku primary school in the arua district, Uganda. *Journal of Language and Literacy Education, 11*(1): 88-108.

Olema, D. K., Nabitula, A., Manyiraho, D., & Atibuni, D. Z. (2021). Analysis of the shift from knowledge based to competency based education among secondary school teachers in Uganda. *International Journal of Educational Research, 9*(1). https://www.ajol.info/index.php/ijer/article/view/213872

Pinto, G., Tarchi, C., & Bigozzi, L. (2016). Development in narrative competences from oral to written stories in five- to seven-year-old children. *Early Childhood Research Quarterly, 36,* 1-10. http://doi.org/10.1016/j.ecresq.2015.12.001

Saglam, H. I. (2011). An investigation on teaching materials used in social studies lesson. *The Turkish Online Journal of Educational Technology, 10*(1).

Somekh, B., Burman, E., Delamont, S., Meyer, J., Payne, M., & Thorpe, R. (2005). Research communities in the social sciences In B. Somekh & C. Lewin (Eds.), *Research methods in the social sciences*. London: Sage Publications.

Ssekamwa, J. C. (1997). *History and development of education in Uganda*. Kampala:: Fountain Publishers.

Ssentanda, M. E. (2014). The challenges of teaching reading in Uganda: Curriculum guidelines and language policy viewed from the classroom. *Journal of Applied Language Studies, 8*(2), 1-22.

Stake, R.  (2010). *Qualitative research: Studying how things work*. New York: The Guilford Press.

Talley, P. C. (2017). Preparing students for the globalized workforce: A mission statement for Taiwanese universities. *International Journal of Humanities and Social Science, 7*(3).

Tembe, J., & Norton, B. (2011). English education, local languages and community perspectives in Uganda. In H. Coleman (Ed.), *Dreams and realities: Developing countries and the English language*. London: British Council.

Tursunovich, R. I. (2022). Guidelines for designing effective language teaching materials. *American Journal of Research in Humanities and Social Sciences, 7,* 65-70.

Uganda. Ministry of Education and Sports. (1992). *Government white paper on implementation of the recommendations of the report of the Education Policy Review Commission entitled "Education for national integration and development"*. Kampala: Republic of Uganda.

## ABOUT THE AUTHORS


### Edward Masembe

Makerere University, Uganda

**Email**: edward.masembe@mak.ac.ug **ORCID**: https://orcid.org/0009-0006-5406-3391


Dr Edward Masembe currently is a Lecturer for Luganda Language Education in the Department of Humanities and Language Education, School of Education, College of Education and External Studies, Makerere University. His research interests are in the field of language policy and pedagogy, specializing in community, school and classroom-based research. He is interested in the use of visual and participatory methodologies for generating data for pedagogical change. He has attended several training sessions in research methodologies with international organizations like the AuthorAID, CERMESA and INASP.


### Fred Masagazi Masaazi

Makerere University, Uganda

**Email**: fred.mmasagazi@mak.ac.ug


Prof. Fred Masagazi Masaazi is a professor of African Languages Education (Luganda Language), with extensive experience in teaching of Luganda Language at undergraduate and postgraduate levels. For the last 15 years he has participated in the supervision of graduate students. Authored books used in the teaching and assessment of secondary schools Luganda students. Over the years he has offered consultancy services for public and private interest. His research interests are in African Language Pedagogy, translation, Culture, Comparative studies of African Languages, language curriculum development and Language Policy.


### Jackson Kizza Mukasa

Makerere University, Uganda

**Email**: kizza.mukasa@mak.ac.ug


Dr Jackson Kizza Mukasa is a senior Lecturer in the Department of African Languages, School of Languages and Communication, College of Humanities and Social Sciences, Makerere University. He has been teaching the Luganda language at university level for more than twenty years. He has published several articles and books to do with discourse analysis in Luganda, Luganda proverbs, Luganda prose and poetry, and many other pieces in Luganda. He is serving at several Luganda language committees and boards for both secondary and university levels.